# BUWEKULA SAZA FOOTBALL CLUB ASSOCIATION

**P.O.BOX, 93 MUBENDE.**

Ssabawandiisi: 0772681682 Tech. Director.: 0755379118


**Date 10/14/2024**

## OBUBAKA OBWOKWEBAZA N'OKUWUMULA OBUWEEREZA BWE SSAZA

MBALAMUSIZA BANA BUWEEKULA MWENA NEBA NAMUPIIRA, NZE JOSEPH KYAMBADDE AKULIRA EBYEKIKUGU KU TTIIMU YE SSAZA BUWEEKULA

NJAGALA OKUTWALA OMUKISA GUNO OKWEBAZA OWEEK LUWEEKULA EYANDABAMU OBUSOBOZI N'AMPA OMUKISA OKUWEREZA KABAKA WANGE NE TTIIMU YANGE E YA BUWEEKULA

MUMBEERA Y'EMU NJAGALA OKWEBAZA BANA BUWEEKULA MWENA ABEREKEREZA BULI KAMU NEMUKWATA N'EMUNSAWO NE MUWAAYO ERI TTIIMU YAFFE OMWAKA GUNO ATE NEBAZAAMU AKENSUSO ABO ABABADDE NGA BAWEREKERA KU TTIIMU YAFFE NGA EGENDA OKUZANYA EMIPIIRA GY'OKUBUGENYI MWEBALE BUTATULEKERERA EBBANGA LYONA.

NEBAZANNYO TTIIMU MANAGER WAFFE HAJJI RAJAB SSEBULIME OLWABUKIMU KYONA KYATADDEMU TTIIMU YAFFE E TUUKE KU BUWANGUZI.

FFENA NGA OLUKIIKO BWETWAKWASIBWA OBUVUNANYIZIBWA OKUVA E WAMUKAMA WAFFE LUWEEKULA OKUDUKANYA TTIIMU Y'ESSAZA TUKOZE BULI KIMU MUBUSOBOZI BWAFFE BWETUBADDE NABWO NAYE OMUKISA TEGUBADDE LUDDA LWAFFE.

NATANDIKA OKUWEREZA TTIIMU YA BUWEEKULA E BBANGA DDENE E LIYISE KYOKA NGA OBUVUNANYIZIBWA OBUJJUDDE OBWOKUWEREZA BUWEEKULA NABUTANDIKA MU MWAKA GGWA 2020 NGA E KIRUBIRIRWA KYANGE KYALI KYAKUWANGULIRA BUWEEKULA KIKOPPO KYAMASAZA E KITASOBOSE
NAYE NGA MU BBANGA E LYO EBINTU BINGI NGA BUWEEKULA BYE TUTUUSEKO OMUBADDE E BIRUNGI NOKUSOMOZEBWA OKUTARI KUMU

KU LWENSONGA EYO BANA BUWEEKULA MWENA MUNZIKIRIZE NKOZESE AKAKISA KANO MBATEGEEZE NTI, NZE NGA KYAMBADDE JOSEPH NGENDA KU WUMULA OBUVUNANYIZIBWA BWOKUDUKANYA TTIIMU YA BUWEKULA OLUVANYUMA LWE BBANGA ERIWERAKO NGA NKOLA OBUVUNANYIZIBWA OBUTARI BUMU

EKYOKUSALAWO OKUWUMULA OMUPIIRA GGWE SSAZA SIKIKOREDDE MU MUTIMA MUBI NAYE NKIKOZE KU LWOBULUNGI BWA TTIIMU YAFFE ATE NOKUWA OMUKISA ABANTU ABALALA NABO BASOBOLO OKUTUUSA OBUWEREZA ERI TTIIMU YE SSAZA LYAFFE

KANKOZESE OMUKISA GUNO NEBAZE ABAWAGIZI MWENA ABATUWAGIDDE EBBANGA LY'EMAZZE NGA MPEREZA E SSAZA
KUBANGA ABANTU BANGI ABAZZE NGA BATUDUKIRIRA N'OBUYAMBI OBUTARI BUMU OKUBEZAAWO TTIIMU YAFFE, OMULI ABAKULEMBEZE KU MITENDERA E GY'ENJAWULO, ABASUUBUZI N'ABANTU SSEKINOOMU MWENA MBEBAZA KUBA SINGA SSIMWE FFE TETWALISOBODDE

MUMBEERA ENO NJAGALA OKWEBAZA ENNYO OMWAMI MAWANDA E DDWARD EYANDETA KU TTIIMU YA BUWEKULA SSEBO NAAWE WEBALE KUNDABAMU BUSOBOZI KUBA SINGA SIGGWE NE LUWEEKULA TEYALINENGEDDE

NJAGALA N'OKWEBAZZA ENNYO COACH MULINDWA FRANK NE TTIIMU YE GWE TWATANDIKA NAYE OLUGENDO LUNO ATE N'E COACH FELIX SSEKABUUZA ERA NE TTIIMU YE WAMU NABASAMBI ABATALI BAMU ABATUSAMBIDDE OMUPIIRA MU BBANGA ERYO

BANO BO ATE MUNZIKIRIZE MBEBAZEEMU ENNYO AKENSUSO, HAJJI RAJAB SSEBULIME, HAJJI SIRAJ WALUSIMBI OWA SS HOTEL, OMWAMI GALABUZI HENRY OWA GTC AIR CARGO, AKVO, NE SSALONGO GADAPHY KISITU OWA MINYALO TYRE WORLD BAMBI MWEBALE NNYO OBUVUJJIRIZI BWEMUWADDE TTIIMU YAFFE SIRINA BIGAMBO BISOBOLA KULAGA KWEBAZA KWANGE GYEMULI NAYE NSABA OMUTONZI ABASASULE BIRUNGI BYERERE

MU BBANGA LY'EMAZZE KU TTIIMU YA BUWEEKULA BINO BYETUTUSEEKO

MU MUKWAKA GGWA 2020 TETWAVA MUKIBINJA, 2021 NE TUSAMBA FINALS NE BUDDU NE TUMALIRA MUKIFFO E KYOKUBIRI, 2022 TWAVIRAKO KU MUTENDERA GGWA QUATER FINALS NE 2023 ERA TWAKOMA KU MUTENDERA GGWA QUATER FINALS, MU MWAKA 2024 TUWANDUKIDDE KU SEMI FINALS

EKYOKUWUMULA OMUPIIRA GWESAZZA TEKIGGYA KUNGAANA KU WAGIRA BUWEEKULA KUBA NDI MWANA NZALWA YE BUWEEKULA ERA NJAKOLA NGA EKISOBOSE MU BUSOBOZI BWENDIBA NABWO

***Awangale ayyi ssabasajja kabaka waffe***

**Nze Kyambadde Joseph**

.......................................
**+256 755 379118:**